

جمعية الدعوة والإرشاد وتنمية الجاليات بالزلفي
مشروع تعلم الإسلام – أحكام الطهارة – اللغة الأوغندية

Essomo 4

الدرس الرابع

EWUDHU

Wudhu kwekwetukuza olwetukuza olutono olwo Allah Iwatakkiriza Sswala yamuntu yenna atalwetukuzza. Nga bw'agamba omubaka mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Muslim nti; Agamba Abii Hurairat nti mazima nabbi (SAW) yagamba nti: "**Mazima Katonda takkiriza sswala y'omu mumwe bwaba apunguuse wudhuye akutuusa lw'addamu n'afuna wudhu**". Songa era omuntu ono nga afuna wudhu ateekwa okugifuna nga agiriranyisa n'okuyunga nga omubaka (SAW) bwewayigiyiriza. Songa era wudhu eno erina obulungi obwensusso obusaana omuntu abuteeke mu mutimagwe nga agifuna. Nga bw'agamba omubaka (S.A.W) mu Hadith eyawandiikwa Imaam Muslim agamba nti;

Agamba Uthman Bun Affan nti Omubaka (SAW) yagamba: "**Omuntu afuna Wudhu nalongoosa bulungi wudhuye, bimufulumamu ebyonoonobye okuva mu mubirigwe okutuusa lwebiva ne wansi wenjalaze**".

Era agamba omubaka mu hadith eyawandiikwa Imaam Muslim era nga ejjibwa ku Uthman nti:

Agamba omubaka (SAW) nti: "**Omuntu ajjuza wudhu nga Allah bweyamulagira esswalaze eza Faladha (ezetteeka) zibeera zimusonyiyisa ebyo ebikyamu by'akoledde wakati waazo**".

ENFUNA YA WUDHU:

Omuntu afuna wudhu agoberera ebantu bino;

1. Aleeta enniya y'okufuna wudhu nga agireetera mu mutima gwe ewatali kugyatula nalulimi, kuba enniya kitegeesa okumalirira mu mutima okubaako n'omulimo gw'ogenda okukola, bwatyo oluvanyuma asoma nti Bisimillah,

2. Bwamala anaaza ebibatu bye emirundi esatu.

3. Bw'amala anyumunguza amazzi mu kamwa n'afeesafeesa ne munyindo emirundi esatu.

4. Bw'amala anaaba ekyeenyikye okuva kukutu okudda kukutu n'okuva kunviiri n'okutuuka ku kirevu wansi nga nakyo akikola emirundi esatu.

5. Oluvanyuma anaaba emikonoye okuvira ddala kuntandikwa y'ennwe z'engaloze okumalirayo ddala enkokola nga nazo azitwaliddemu nga atandika n'omukono ogwa ddyo n'azzaako kkono nga kino akikola emirundi esatu.

6. Bw'amala asiiga omutwegwe omulundi gumu nga atandikira muntandikwa y'omutwegwe, enviiri w'ezitandikira, engaloze n'agenda nga asiiga nazo okutuuka enkoto w'omutwegwe ate bwatuuka enkoto nazikomyawo mukifo mweyatandikidde.

7. Bw'amala asiiga amatuuge omurundi gumu nga ayingiza engalo eddirira kyala kisajja eya shahada (Sabbaaba) agiyingiza munda mu matuuge buli emu neyoza munda mukutu kwayo ate yyo kyala kisajja n'enaaza buli emu kungulu kwokutu kwayo.

8. Bw'amala anaaza amagulu ge emirundi esatu nga atandikira kuntandikwa nenwe z'ebigere okutuusiza ddala n'okumalirayo ddala obukongovule bwombi nga nabwo obutwaliddemu era nga atandika n'okugulu okwa ddyo n'amaliriza n'okwa kkono.

9. Bwamala kiba kirungi okusoma edduwa gyeyayigiriza omubaka (SAW) mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Muslim nti:

Agamba UMARU mutabani wa Hatwabi nti omubaka (SAW) yagamba nti: "**Tewali n'omu mumwe ajjuza wudhuue n'olvanyuma n'asoma nga agamba nti ASHIHADU ALLA ILAH ILLA LLAH WA ANNA MUHAMMADA ABDUHU WARASULAHU**.

Amakulu nti nzikirizza nenkakasa n'omutima gwange nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah era ne nabbi Muhammadi mudduwe era mubakawe, Tayinza kusoma bigambo ebyo okujjako Allah amuggulirawo emilyango gye Jjana omunaana ayingire mu gwonna gw'ayagala".